# ENKOLA EGOBERERWA OKUKUUMA OMUTINDO GWA MUKENE AKAZIDDWA MU MUSANA MU NGERI EYEKIKUGU MU KITONGOLE KY'ABAVUBI



THE REPUBLIC OF UGANDA

Ministry of Agriculture,
Animal Industry & Fisheries
Directorate of Fisheries Resources

## ENKOLA EGOBERERWA OKUKUUMA OMUTINDO GWA MUKENE AKAZIDDWA MU MUSANA MU NGERI EYEKIKUGU MU KITONGOLE KY'ABAVUBI

## CONTENT

1.0 **OKUKALIZA MUKENE MU MUSANA** – Etteeka Erigobererwa Eky'enyanja Nga Kikaziddwa, Amazzi Gakivaamu N'obwangu Obusirikitu Obukibaamu Kwe Bukulira Bukendeera.

2.0 **EMITENDERA EGIYITIBWAMU OKWONGERA OMUTINDO KU MUKENE OMUKALU**

3.0 **ENVUBA**

4.0 **ENTAMBUZA YA MUKENE MU MAATO G'ABAVUBI**

5.0 **OKUGGYA MUKENE MU MAATO G'ABAVUBI**

6.0 **OKWANIKA MUKENE**


7.0 **EMPAKIRA**

8.0 **ENTEREKA**

9.0 **ENTAMBUZA YA MUKENE**

10.0 **ENTUNDA YA MUKENE**

## 2.0 EMITENDERA EGIYITIBWAMU OKWONGERA OMUTINDO KU MUKENE OMUKALU



## 3.0 ENVUBA

### 3.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okumansamansa amafuta ku butimba oba ku ntobo y'eryato mu kiseera kyokuvuba.

b) Okutuuma mukene omubisi omungi mu bwato obutono.


c) Okweyambisa akaveera okubikka ku mukene eyakavubibwa.

d) Okukozesa obutimba obuddugala n'abavubi abatali bayonjo kimala.

e) Okulwawo okukola mukene ng'amaze okuvubibwa.

f) Obutafaayo mukene naliibwa obuwuka ekissa omutindo gwa mukene.

g) Envuba embi.



## 3.2 Enkola Ezisaanidde

a) Weewale okutuuma mukene ayitiridde ku lyato ng'omutambuza.

b) Weewale okumansulamansula amafuta oba okutonnyeza amatondo agava mu mataala ku mazzi, ku lyato oba ku mukene ye nnyini.

c) Kendeeza obudde obuli wakati w'okusuulirayo obutimba ne w'obutegulira.

d) Kozesa amaato agavuba nga manene bulungi.

e) Weewalire ddala mukene okwegatta n'obubi obw'abantu.

f) Mukene ayonoonesa mwawule mu mulungi.

g) Weekenneenye okulaba ng'ekifo tewamansiddwawo mafuta yadde peetulooli, singa binabawo, ekifo kiyonjeze ddala bulungi ate toteekawo byannyanja.

h) Kakasa nga buli mikebe omubeera amafuta, peetulooli oba eddagala bisaanikiddwako bulungi obusaanikira era nga biterekeddwa mu kifo ku lyato omutabeera bya nnyanja.



i) Kakasa ng'amaato n'abavubi bennyini bayonjo nga tebannagenda kuvuba.

j) Togattika gattika mukene na bikootikooti, ngatto, bisawosawo wadde ebintu ebiralala.

k) Yalirira ekiveera eky'obutulituli mu lyato nga tonnayiwamu mukene.

l) Kakasa nga entereka y'obutimba nnungi.

## 4.0 ENTAMBUZA YA MUKENE MU MAATO G'ABAVUBI

### 4.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Obujama ku bisenge by'amaato eby'embaawo.

b) Langi esigiddwa ku bisenge by'amaato (esaana ebe nga terina bulabe ku bantu).

c) Obujama bw'eryato n'obwababvubi.

d) Enzimba y'eryato embi! etaayawula bavubi we batereka byabwe, ebintu omuterekebwa ebiragalalagala oba ekifo abavubi webanaabira/okweyamba mu ngeri ennungi.

e) Amaato agawedde ku mpagala nga ne yingini zisooba.

f) Obutabikka bulungi byannyanja omusana ne gubiyitamu butereevu oba obusiringanyi, ebiwuka ng'aligula parasite okubiyingiramu ne byonooneka.



## 4.2 Enkola Ezisaanidde

a) Mukene tomuyiwa ku lyato butereevu ng'obadde omutambuza nga tolyaliridde.

b) Weewale okumala gakasuka mukene, okumulinnyako wadde okumutuulako.


c) Weewale okukuumira mukene mu butimba obuvuba ng'obadde omutambuza.

d) Binnakigwanyizi eby'enjawulo ng'ensiringanyi, bironderonde mu mukene singa obeera obirabye.

e) Amaato gateekwa okubaamu ebifo ebirambikiddwa obulungi, awakuumirwa amafuta, emigugu n'awabeera mukene nga bya njawulo.

f) Weewalwe ddala embeera egattika eby'ennyanja n'obubi bw'abantu.

g) Eby'ennyanja bitambulizeewo olw'okwewala embeera z'obudde embi gamba nga omusana ppereketya oba ekiddedde.



h) Langi esiigibwa mu maato, g'ebyennyanja eteekwa okubeera eyo ekkirizibwa oba ekwatagana n'ebyokulya.

i) Eby'ennyanya bibikkeko bulungi obitangire okwokebwa omusana oba okulumbibwa ebiwuka.

## 5.0 OKUGGYA MUKENE MU MAATO AGAVUBA

### 5.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Ebikozesebwa n'ebiterekebwamu nga ebipipa, ebisero, ebikebe okuba nga bijama.

b) Obujama obweyolekera ku bavubi be nniyni gamba nga okwambala engoye eziddugala, enviri enjala ebitali biyonjo.

c) Okwoza eby'ennyanja n'ebiterekebwamu ng'okozesa amazzi agatali mayonjo.

d) Okulula mukeene omubisi ku mbalama ekiyinza okumuleetera okuyingiramu omusenyu oba obubi bw'abantu oba obwebisolo.

e) Entambuza ya mukene embi emunyigiriza ennyo n'atuuka n'okwegottagotta.



## 5.2 Enkola Ezisaanidde

a) Kozesa ebintu ebiyonjo ng'okola ku byennyanja nga akalobo, ebisero n'ebirala.

b) Sala gonna okulaba nga mukene gw'okutte teyeegatta mu mazzi majama.

c) Weewale okukozesa ebintu ebitayozeka gamba nga: ebisero, amatundubaali, ebikutiya okutambulizaamu mukene.

d) Tokulula mukene mubisi ku mbalama ekiyinza okumuwereba omusenyu, obubi bw'abantu ku n'obwebisolo.


e) Fuba okukozesa enkampa ng'ojja mukene mu maato.



## 6.0 OKWANIKA MUKENE

### 6.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okwanika mukene ku ttaka obutereevu.
b) Okwanika ku bintu ebijama.
c) Okuleka amazzi amajama okukulukutira ku mukene.
d) Okuleka ebinyonyi okumansa obubi mu mukene gwe baanise.
e) Obutafaayo mukene nalumbibwa obuwuka.
f) Obutafaayo ng'abantu n'ebisolo bisaalimbira mu mukene gwe baanise.
g) Obuteeyonja bw'abakozi.
h) Obujama bw'ebifo omwanikibwa mukene.
i) Okwanika ku bintu ebitasaanidde (bijama).
j) Enkola etali nnungamu mu kwanika mukene.
k) Okwanika mukene ku butandaalo obutalavvu.
l) Okwanika mukene n'atakala bulungi.



## 6.2 Enkola Ezisaanidde

a) Okwanika kuteekwa kukolebwa ku butandaalo obusitufuko kikendeeze embeera ereeta ettaka, amayinja oba ebiwuka okwonoona mukene.


b) Obutandaalo buyamba okutambuza empewo obulungi mu mukene; kino kikendeeza ebiseera mukene by'amala okukala ey'essawa 6 – 8 nga wabaddewo akasana bw'omugeraageranya n'oyo gwe baanise ku ttaka.

c) Obutandaalo buyamba okukendeeza amazzi mu mukene naddala ng'omukyusakyusa.

d) Obutandaalo busaanye kuteekebwa mu musana butereevu so si awali ebisiikirize ng'ate bwesuddeko akabanga ku bifo awayinze okuva obujama nga zikaabuyonjo.

e) Obutandaalo buteekwa kuteekebwa mu bifo omuli oluwewowewo mukene asobole okukala amangu.

f) Mukene ateekeddwa okwanikibwa mu bifo ebitayitaayitamu bisolo.



g) Singa twalirira akaveera wansi w'akatandaalo, kino kiyamba okukuŊŊanya obusasiro n'amayinja ne tusigaza mukene omuyonjo.

h) Fuba okulondalonda kasasiro yenna mu kifo woyanikira mukene kijja kuyanba okuziyiza obuwuka obwandirumbye mukene.

i) Ebikoola nga endagala by'oyinza okwalirirako ebyennyanja nga biri ku katandaalo byewalire ddala kuba byandivaako ebiwuka ebyonoona mukene.

j) Emmese, kkapa, embwa, n'ebirala bye walire ddala mu kifo awaanikibwa mukene webamukolerako ne waaterekebwa.

k) Jjawo kasasiro yenna mu kifo wookolera era ofube okukikuuma nga kiyonjo.

l) Toyanika bya nnyanja ku ttaka.

m) Mu biseera by'okwanika mukene weewale embeera y'enkuba oba ey'obunnyogovu ng'okozesa ebibikkwako omutayita mazzi.

n) Mukene ateekwa okwanikibwa okutuusa ng'amazzi gakendeeredde ddala okutuuka ku butundutundu 10 -20 ku buli kikumi aleme kukukula.

o) Kozesa obutandaalo obwa “pulasitiika” obutatalagga, ate nga bwangu okuyonja.

p) Okwewala obunyonyi obuteetalira mu kifo wooyanika mukene weeyambise obutimba oba obugwa.

## 7.0 EMPAKIRA

### 7.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okumupakirira mu kifo ekijama.

b) Ebisawo/ebipakirwamu ebitasaanidde mulimu.

c) Weewale okunyiza n'okukolola, okukuba emyasi ng'opakira mukene.

d) Obujama bw'abantu abapakira mukene.

e) Ebintu mw'omussa ebikozesebwa mu ku pakira mukene obutaba biyonjo.

f) Obuteekenneenya mutindo n'okwawulamu atatuuse ku mutindo nga tonnamupakira.

g) Okuddamu okukozesa ebintu ebyakozesebwa edda n'okubisuulasuula buli wosanze.



## 7.2 Enkola Ezisaanidde

a) Obuyonjo mu kifo awapakirirwa.

b) Mukene asaanye abeere nga akalidde ddala nga tannapakirwa kino kikendeeza okusenserwa obuwuka obusirikitu n'okumera obukuku.

c) Ensawo/ez'empapula eziyita mu empewo z'oba okozesa.

d) Weewale okunyigiriza n'okulinnya ku mukene ngali mu bisawo.

e) Mu buli kisawo teekamu mukene ow'ekigero kikusobozese okukisiba obulungi.

f) Mukene tateekwa kuyitwamu mpewo oba okubeera mu mbeera y'obunnyogovu.

g) Nga tonnapakira mukene oteekwa okumulonda obulungi n'okumussa mu mitendera egyenjawulo olyoke osobole obutapakiriramu bwenyanjanyanja obutali mukene nga 'Hapalpchrom'.



h) Buli kasasiro, n'ebisigalira ebyenjawulo nga; omusenyu amayinja n'ebiwuka ka bibe/bifu oba biramu biggyeemu tonnapakira.

i) Toddamu kukozesa bisawo bye wasibisaako edda.

j) Ekifo awapakirirwa wateekwa okuba awayonjo obudde bwonna nga tewali bisasiro, nfuufu wadde ebiwuka era nga n'empewo eyitamu bulungi.

k) Mukene apakirirwa mu bifo ebiyonjo ate mu bisawo ebiyonjo byokka.

l) Omuntu alina endwadde ezikwata amangu n'omujama teyandibadde mu kifo wapakirirwa mukene.

m) Nga tonnapakira mukene, mulondemu ebituntuntu ebya yitiddemu ojjemu ebintu ebitali mukene bye baakwatiramu.

## 8.0 ENTEREKA

### 8.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Ekifo nga kijama, kijjudde enfuufu, ebiwuka, emmese ate nga kiyitamu n'ebikka ebiva mu mmotoka tekisaanye kuterekamu mukene.

b) Bw'apakira mukene ayitiridde mu sitoowa empewo ebulwa weeyita n'ekivaamu kumeramu nvunyu n'okukula.

c) Etterekero erisobola okuyingiramu ebisolo, ebiwuka n'abantu abatali batuufu terisaanye kuterekebwamu mukene.

d) Ssi kirungi okumala gatikka nsawo z'amukene ku zinnaazo nga ziri mu masitoowa.

e) Okuwalampa nga n'okulinnyalinnya ku bisawo bye bapakidde mu eby'ennyanja si kirungi.

f) Ekisenge omuterekebwamu mukene tekyandibaddemu mazzi wadde okuba ekinnyogovu.

g) Togeza kussa mukene ku ttaka butereevu.



## 8.2 Enkola Ezisaanidde


a) Mukene akaze obulungi yanditerekeddwa mu bisawo ebiyisa empewo.

b) Mukene apakiddwa yandibadde aterekebwa mu kisenge ekiyitamu obulungi empewo nga n'ensawo tezituumiddwa ku zinnaazo.

c) Ensawo ziteekwa okubaako obulambe, kino kisobozese abaguzi okubyawula, obulambe buteekwa okubaako okugeza ekika ky'ebyennyanja, gamba mukene akaziddwa ku katandaalo.

d) Amaterekero ga mukene gateekwa okukuumibwa nga mayonjo.

e) Etterekero teriteekwa kuliraana bifo omujjudde enfuufu n'ebifo omuyita emmotoka ezivaamu ebikkakka.




f) Emiwaatwa omuyita ebintu eby'obulabe nga emisota, eminya, ebinyonyi n'ebirala okwesogga etterekero gizibirwe ddala.

g) Wabeewo enkola ey'olulango eziyiza ebintu eby'obulabe ng'ebiwuka okuyingira mu tterekero.

h) Ebisawo omujjudde mukene biyaliirwe bulungi ku butandaalo olw'okwewala ensawo zino okutuukira ddala ku ttaka awannyogovu oba awabisi.

i) Olw'okwenkuuma ebiseera eby'enkuba etterekero lisaanye okuba nakasolya akatayitamu mazzi.

j) Etterekero lyetaaga n'eriba ggazi bulungi olw'okwewala okutikka ensawo ku zinnaazo.

k) Weewale okulinnya, okuyimirira, n'okusambirira ensawo ezipakiddwaamu mukene.

## 9.0 ENTAMBUZA YA MUKENE

### 9.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Obuteerinda n'obutaba na bintu nga ettundubaali ly'obikka ku motoka okwewala enfuufu, ebikka, oba enkuba ng'obadde otambuza mukene.

b) Okuwalampa, okutuula, okusambirira okwebaka n'ebiringa ebyo waggulu ku bidduka ebitambuza mukene.

c) Okutikka obugule, n'okunyigiriza ensawo zinnaazo ku loole ezitambuza mukene.

d) Okutambuliza eby'ennyanja mu motoka ezitambula akasoobo ekiyinza okuleetera eby'ennyanja okwonooneka nga tebinnatuusibbwa mu butale.

e) Emmotoka ezitwala ebyennyanja enjama.

f) Abakola omulimu gw'okutambuza ebyennyanja nga ssi bayonjo.

g) Okugattika eby'ennyanja n'ebyamaguzi ebirala ku loole.

h) Okutambuliza eby'ennyanja ku bimotokla ebiwedde ku mpagala nga bivaamu n'omukka omubi.



## 9.2 Enkola Ezisaanidde


a) Emmotoka ezitambuza mukene zisaanye okuba nga nnyonjo.

b) Ebisawo omuli mukene bibikkibweko ekintu ekitayitamu mazzi gamba nga ettundubaali/ekiveera mukene aleme kusaabaana nfuufu oba okukubwa enkuba ng'obadde omutambuza.

c) Togattika mukene na byamaguzi birala ku motoka bw'oba oteekwa buli kimu kisibe bulungi kibe nga tewali wekikwataganira na kinnaakyo.

d) Tosaabaza bantu oba ngoye/migugu mu kidduka kye kimu ne mukene.

e) Emmotoka eziwedde ku mpagala ezivaamu omukka omubi mu ekizoosi zeewaalire ddala. Oba si kyo ziddaabirizibwe zizzibwe buggya zisobole okutuusa ebyamaguzi ku butale awatali kumala budde.



## 10.0 ENTUNDA YA MUKENE

### 10.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okutundira mukene ku ttaka ejjereere oba awantu awabisi.

b) Okukozesa ebintu ebijama ng'opima mukene.

c) Okusena mukene okumussa mu mikebe eby'ebipimo eby'enjawulo ng'engalo njama.

d) Okutunda mukene nga takaziddwa kimala.

e) Obutasunsula mukene kumuggyamu bisasiro nga tonnamutunda.

f) Okutunda mukene alimu omusenyu oba ebitakataka.

g) Okutundira mukene mu bifo ebijama.

h) Ggwe kamutunda we nnyini ng'oli mujama.

i) Obutekenneenya mutindo gwa mukene wanditunda mukene ow'omutindo ogwa wansi nga omuvundu ate ow'obulabe okulya.

j) Okukozesa ebikebe ebikadde ebyabongokabongoka, ebitalavvu ng'obadde opima mukene.



## 10.2 Enkola Ezisaanidde

a) Sunsula okakase nti mukene omuvundu/ayonoonese awunya obubi ayawulibwa ku mulungi ow'okutunda.

b) Kakasa nga w'otundira mukene kifo kisitufumukko nga kikoleddwa mu bintu ebiyonjeka amangu nga: 'aluminum' oba obutandaalo obukolebbwa mu "steel" era nga bw'oba omaze okubwozaako busobola okwekaza bwokka na bwokka.

c) Mu butale obw'omubitundu byaffe obutonotono, ebifo ebisitufumukko ng'emmeeza oba omudaala gwe gusaanye okutundibwako mukene olwo akendeeze obujama obuva mu nfuufu, ebiwuka n'okulinnyibwako abatambuze ng'obadde omutundira ku ttaka.

d) Bwoba otundira mu bipimo ebitonotono weewale okukozesa emikebe gy'ebyuma emutalavvu oba emimenyefumenyefu olw'owewala obulabe. Emikebe egya 'pulasitiika gye giteekeddwa okukozesebwa era nga giyonjebwa ntakera.

e) Kakasa ng'awatundirwa mukene wayonjo era nga wakalu bulungi.

f) Kakasa ng'emikebe gyonna omupimirwa mukene miyonjo era mikalu bulungi.

g) Singa obadde ojja mukene ku nsawo oba mu ntuumu ennene kisingako okusonesa obukebe obutonotono okusinga emikono ku nsawo oba ku muteeko omunene okusinga okukozesa emikono ng'obadde omussa mu bikebbe eby'ebipimo eby'enjawulo.

h) Kimenya mateeka okutunda mukene omujama. Weewale okutunda mukene alimu envunyu, omuvunduvundu oba alimu ekisu ekitali kya mukene akaziddwa obulungi.

i) Kimenya mateeka okutunda mukene alimu omusenyu, ettaka oba ebiyiinja. Abasuubuzi tebateekwa kugulira mukene ataweweddwa ku mwalo gy'ayanikirwa kuba kiyinza okubafiriza ensimbi ezisuubula.

j) Omutunzi w'ebyennyanja ateekwa okubeera omuyonjo mu ngeri zonna.



Commonwealth Standards Network

UKaid from the British people

Prepared with assistance from the
Commonwealth Standards Network, a programme sponsored by the
UK's Foreign, Commonwealth and Development Office (FCDO).